**15th October 2017.**

# OBUGABIRIZI BW'EMIGAATI GYA BULI LUNAKU.

**Okuva 16.**

Nga tuli mu byawandiikibwa Musa ku kuva kw'abaana ba Isirayiri be yali akulembera okuva mu Misiri ng'aluŋŋamizibwa Mukama awamu n'okkuumwa ekitiibwa Kye nga bwe twaalaba omulundi oguwedde era nga bagabilirwa Mukama buli kye beetaganga. Twaaleka batuuse mu Erimu, ewaali ensulo ekkumi n'ebbiri, n'enkindu nsanvu, gye baalina engeri ya 'retreat' mu ddungu…..

Tweeyongerayo okulaba leero mu musomo omukulu ennyo ne Yesu kennyini gwe yayogerangako mu nsomesa ze, mwe tulabira ng'ekisa kya Mukama bwe kiba ekijja buli makya, awamu n'obwesigwa bwe gyetuli nga Okukungubaga 3:22,23 bwe zigamba, ate ng'enny. 25, 26 zigamba nti…..

Abaana ba Isirayiri kye bataamanya nga bwe tusoma leero…….

Mu myeezi ebiri gino bye baali baakalabako bwandibadde bukakafu bwankomeredde nti Mukama oba Musa ne Alooni tebaali mu mupango gwa battira mu ddungu…..
Ate ekisa kya Mukama nga bwe kiri ekingi ennyo, bwe baamwemulugunyiza teyabatonnyesa muliro, wabula emigaati, ekyeefaananyiriza ekisa kye ekiyitirivu ne gyetuli leero, era mwe tulabira ne Yesu akyasanguza mu Matayo 6, ng'ayigiriza okusaba mu nny.9-13

Okwemulugunyiza abantu obuntu nga bwe baakola tekiba kya buntu bulamu kuba tuba twemulugunyiza Mukama. Abo bonna bassa mu bufuzi basajja oba bantu Yye baalinako obuyinza era basobozesa okkola okwagala kwe….
Baalina okumanya nti Mukama so ssi Musa ye yabaggya mu Misiri …lnny 6. Balabe n'ekitiibwa kye….(oba kye baali balabyeeko tekimala) kyokka nga n'ekijjukizo baakirina, nga kw'otadde n'obugabirizi bwa buli lunaku okumala emyaaka 40!
Ekyaamateeka 8:3, lugamba…..

Kyokka ne Yesu mu Yokaana 6:32 yabakakasa nti teyali Musa wabula Mukama eyabagabiriranga…. Kubanga abantu tutunuulira ebiriwo ne tweelabira ensibuko zaabyo, n'amakulu gaabyo.

Mu bbagabirira yayagala era abayigirize okumwesiganga, okuyimirizibwaawo Yye so ssi maanyi gaabwe oba magezi gaabwe, naye era kyaali kizibu nga bwe kiri ne gyetuli….Lnny 19,20, 21 …..
Ne ku Ssabbiiti…22-29……
Matayo 6:25…… Yakobo 5:2,3…..

Mu I Abakkol. 10:3 Emmanu eyitibwa mmere ya mwoyo, nga bwe guli eri emikisa gy'omwoyo gyetuli okuva ewa Mukama.
Yesu Kristo ye Mmaanu eyaddala, omugaati gw'obulamu nga Yokaana 6:49-51 bwe zigamba. Ekigambo kya Mukama Yye Maanu emmeeme zaffe mwe ziriisibwa nga Matayo 4:4 bwe lugamba.

Obweetaavu buli gyetuli okkuŋŋaanyanga buli lunaku, n'obukakafu nti tunaakkusibwa emirembe gyonna, nga Yokaana 4:10 -14 bwe zikyoogera.
Era ng'abaalya emmaanu mu ddungu bwe batakkusibwa, kyokka era ne batasanyusa Mukama, olw'okukkiririza mu Mukama, abo bokka abalya Omugaati gw'Obulamu be bokka abasanyusa Mukama, era be Yeenyumirizaamu.